# Museveni asuubizza abalimi b'omuceere

Bya JALIAT NAMUWAYA

PULEZIDENTI Museveni akakasizza abalimi b'omuceere e Busoga ne mu bitundu by'omu Buvanjuba yonna gye gulimibwa nti, Gavumenti tegenda kukozesa maanyi kubagoba mu ntobazzi.

Yannyonnyode nti, ba kweyambisa enkola ey'okwogeraganya nabo okubasikiriza okubaako ebintu ebirala bye bakolera mu ntobazzi zino ebinaabawanga ssente ennyingi okusinga ku muceere ate nga n'obutonde bw'ensi tebwonoonese.

Yategeezezza nti, okusoomoozebwa okuliwo kuli nti, obulimi bw'omuceere buyingiza amagoba matono ate nga buviiriddeko n'entobazzi okutandika okukala kye bava baagala abalimi batandike okukyusa endowooza beeyubulire mu bulunzi bw'ebyennyanja mu ntobazzi kuba byo biriko amagoba mangi.

" Tewali muntu yenna abagoba mu ntobazzi naye ekibuuzo kiri nti, entobazzi muzikozeseza mutya?" Bwe yabuuzizza. Bino Pulezidenti yabyogedde asinziira mu lukung'aana lwa bannamawulire b'e Busoga lwe yatuuzizza mu maka gw'Obwapulezidenti e Mayuge nga tannakuba lukung'aana e Iganga n'e Jinja ku Lwokutaano.

Yalagidde minisita avunaanyizibwa ku nsonga za ofiisi ye akwataganire wamu ne Ssaabawolereza wa Gavumenti bakole ku nsonga z'abo abakyabanja Gavumenti abaakosebwa olutalo lw'abayeekera ba Lakwena e Busoga mu 1987.

Nga bwe kiri mu bitundu ebirala, yawadde Abasoga amagezi nabo babeeko ekirime ekimanyiddwa kye beenyigiramu nga bw'olaba nti, ab'e Masaka bamanyiddwa mu bulimi bwa mmwaanyi, ab'e Kalangala balimi ba binazi n'ebirala nti, kino ky'ekijja okubayambako okulwanyisa obwavu.



Museveni ng'atuuka ku lukung'aana lwe yakubye e Luuka. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

PPU

**MUSEVENI ASIMBUDDE KONTEYINA ZA KAAMULALI**

Mu ngeri y'emu Pulezidenti Museveni asimbudde konteyina 11 eza kaamulali alimibwa e Busoga ezisoose ng'ayongeddwaako omutindo agende atundibwe e China.

Yakunze Abasoga okwongera amaanyi mu bulimi bwa kaamulali nti, yandiyambako okubabbulula mu bwavu kuba kati China ebagguliddewo akatale nga ba kwongera n'okufeffetta obutale mu mawanga amalala.

Omukolo guno gwabadde mu disitulikiti e Kamuli ku kyalo Bunambo mu ggombolola y'e Namasagali era nga gwetabiddwaako ebikonge mu Gavumenti ba yinvesita n'abalimi. Kaamulali ono asoose okutwalibwa e China okuva e Busoga yakaziddwa bulungi era ng'ali mu bungi bwa ttani 11.